**08th April 2018.**

# OKUDDIZIBWA OBUGGYA BW'ENDAGAANO.

**Okuva 34.**

Nga tetunnagenda mu nnaku z’okujaguza kw’amazuukira ga Mukama waffe Yesu Kristo mwe twavaako mu misomo gyaffe mu kitabo ky’okuva, twaaleka Isirayiri emaze okkangavulwa Mukama, Musa ng’abegayiririra eri Mukama abaddiremu, era wadde nga baazikiriramu abamu, tutuusibwa wano Mukama lwe yayita Musa addeyo ku lusozi n’amayinja amalala agafaanana gali geyamenya mu busungu obungi asobole okuzza obuggya endagaano ye nabo.

Tusome nga bwe tweetegereza nny.1 – 7.
Mukama ayita Musa addemu yeeyawule gyaali, kuba entabagana ne Mukama enneekusifu ye y’omuganyulo ogw’amaanyi. Ye y’amakulu era ey’omuwendo ennyo.
Olw’ekisa kye ekingi nga bwe yeyanjudde gyaali, mwe mwokka mwe tusiinziira okusisinkana ne Mukama (lnny.6).

Nga bwe yali abagambye olwasooka mu ssuula 20:4-6,…….
Ekisa kya Mukama n’entiisa y’obwakatonda bwe bye bitugwaanidde okutabagana naye mu buwulize.

Nny. 8-10.
Mukama yaddamu okubakakasa okubeerawo kwe mu bbo, oluvannyuma lwa Musa okumwegayirira nti olw’ekisa kye ekingi, kibagwaanidde oggenda naye wewaawo bannaasaasirwa.
Okubeerawo kwa Mukama kubeezaawo ebyamagero, naye ebyamagero bya Mukama eby’olesa okubeerawo kwe mu ffe bwe bulungi bwe bwonna gyetuli.

Nny. 11-17.
Bwe tussaayo omwoyo gyaali n’eri okwagala kwe naye assaayo omwoyo gye tuli n’eri okwagala kwaffe.
Tulina okufuba obutakola ndagaano n’abatali ba bwakabaka bwa Mukama kubanga guba mutego.

Paulo Omutume kyalambika mu II Abakk. 6:14-18……

Nny.18-28……

Mu kuzza obuggya endagaano, Musa alondamu emitwe gy’ebyo byonna ebyamubuulirwa ku luno kubanga bye bimu ebyamugambwa olwasooka mu ssuula ezasooka lwe yali ku lusozi.

Ebiggulanda okuba nga biwonge eri Mukama kikulu nnyo, olw’okuba ne ‘codes’ ze bibikkula mu nsi y’omwoyo.

Mukama yaddamu n’okubalagirira embaga zonna ze yali abagambye okkwaatanga mu buli mwaka.

Zabbuli 147:19-20…….

Nny.29-35……

Obulambukufu bwa bino tubusanga mu II Abakkolinso 3:1-18……